




# Enkima n’ekyeya

Jane Taylor
Salim Kasamba


Luganda




Enkuba teyajja. Ettaka lyali kalu nnyo.




Enkima eno yava awaka okunoonya amazzi n’emmere.




Yatambula ku busozi n’ebiwonvu.




Yatuuka mu kifo ekiyitibwa Kibale.




Enkima yasanyuka nnyo mu kifo kino.




Yalya ebibala n’agejja. Naye yasubwa mikwano gye.




Bwetyo enkima
yakola olugendo
oluwanvu
okudda eka.




Enkima endala zaasanyuka nnyo okujilaba.




"Ekifo kino ekyewuunyisa ekirimu ebibala kiri ludda wa?" bwe baamubuuza.




"Nja kubatwalayo," bwe yagamba Enkima.




Enkima endala zaayagala nnyo Kibale.  Zaasalawo okusigalayo emirembe gyonna.




Naye enkima ezaava e Kibale zaali zeeraliikiride.




"Enkima zino empya zijja kulya ebibala byaffe byonna," bwe zagamba.



Enkima ze Kibale zagenda okulumba enkima empya.



"Lwaki okulwana?" omukadde omu bwe yabuza. "Ebibala bimala mwena!"



Kino kyali kituufu. Bwe kityo enkima ne zisalawo okubeera awamu mu mirembe.

Oli wa ddembe okuwanula, okukoppa, okuvvuunula oba okukyusakyusa emboozi eno n’okukozesa ebifaanaanyi kasita oba ng’ossaako mu ngeri eno wammanga.

# Enkima n’ekyeya

**Omuwandiisi** -- Alice Edui
**Okukyusakyusa** -- Jane Taylor n'Ekitabo ky'Emboozi za Afirika
**Omukubi webifananyi**-- Salim Kasamba
**Olulimi** – Luganda
**Omutendera** -- Ebigambo ebisooka

© African Storybook Initiative 2016
Creative Commons: Attribution 4.0
Ensibukoce www.africanstorybook.org

2026.07.02